

---

## Ba Spare Tyre Babatumidde

Posted by Kalibattanya - 2007/09/06 06:23

---

Omukyala omu yakubye essimu ku Sunday Family Show, natumira ba spare tyre bonna abali mu London. Nnawulidde Mike amubuuza, naawe oli spare tyre? Nze kyennategede mu kibuzo kye kino; nti ba spare tyre bakwano be, baganda be, akola nabo? Kko yye nti AAhha! Nze niina omwami n'omwana. Nnavuddewo nga sitegedde, ba spare tyre be baani? Era omutumizi kyatannyonyodde, batalinako lubu, yabadde atumira baaki?

=====

## Re:Ba Spare Tyre Babatumidde

Posted by bennita - 2007/09/06 11:03

---

owange alabika abalinako olubu naye nga silwabalungi, ndowoza omukyala oyo mubisere bye ebyolubuto yenga original tyre yasitowerelwa nabera nga tasobola kuvuganda ngendo motoka jeyali egenda, kati awo omugoba we motoka nataba nabugumikiliza kulinga original tyre yeetikule emigugu ekye yali amutise onthe way, kati nasako spare tyre, okumala akabanga oba nakati ajagikozesa nga original "epoye" siyinza kumanya.:huh:

=====

## Re:Ba Spare Tyre Babatumidde

Posted by JeenaJulia - 2007/09/06 11:29

---

Owange Kalibatanya,gezako owulilize oluyimba lwa Sofie Gombya oluyitibwa Spare Tyre nkakasa nti oja kuvawo nga otegedde omukyala oyo beyali atumila.

=====

## Re:Ba Spare Tyre Babatumidde

Posted by luutu26 - 2007/09/06 11:35

---

Kalibattanya nyabbo spare tyre yabba mujawo gwebobera nga bawo ayina omukazi omulara nawe oba ofunye spare tyre wo KALE NDOWOOZA SPARE TYRE YABERA OMUKAZI OWEBALI. Kiva muluyimba lwa Sofi gombya osobola odufuna ku youtube tekamu spare tyre by sofi Gombya.

=====

## Re:Ba Spare Tyre Babatumidde

Posted by Kalibattanya - 2007/09/07 20:17

---

Kko Sofia nti, "Empologoma byesuula empisi byeelya," Kati olwo omusajja yeyali ekyasulibwa, amakombo, yye Sofia empologoma, empisi aka spare tyre nga yennyini ate ye mujja we alyoke alye? Ku bonna kulika gwalesemu ensa? Nze ndeba bonna abatyobodde, nga naye agendedde mu. Sirabawo kiraga nti yye Omusajja ono amwagala! Kandowoze nti omutumizi ono naye ssi yeeyo endowoza ye ku taata wo mwana we. Bwaba nga ye taata wo mwana we.

=====